# Ebbula ly'amazzi mu malwaliro libeeraliikirizza ku bakyala

Bya EMMANUEL SSEKAGGO

Ebbula ly'amazzi mu malwaliro agasinga obungi mu ggwanga litadde obulamu bwa bamaama, abaana abazaalibwa n'abasawo mu matigga.

Byayogeddwa Joyce Mpalanyi Magala omukugu mu by'amazzi mu kitongole kya WaterAid ekirondoola omugasso gw'amazzi mu mirimu egy'enjawulo naddala egy'obujjanjabi. Yagambye nti okusinziira ku bibalo, mu buli butikitiki bubiri, waliwo omukazi azaalira mu ddwaaliro eritalina mazzi mayonjo ne kaabuyonjo ezitali ku mutindo.

Agamba nti lipoota eraga embeera y'abaana abazaalibwa mu bifo ebitaliimu mazzi mayonjo eya WaterAid's Born Without Water eyatongozeddwa wiiki ewedde, yalaze obulabe bw'ekizibu kino bwe yakakasizza nti abakyala abali mu bukadde n'obukadde n'abaana abazaalibwa bali mu bw'okufuna endwadde ezisobola okwewalibwa.

Yagambye nti, abasawo batuuka ne bakola emirimu gyabwe nga tebalina wadde ebikozesebwa ebitandikirwako, ekisuubizo ky'okuzaala omwana nga ye ne nnyina tebali mu bulabe ne kitatuukirira. Yagambye nti, okusinziira ku kitongole ky'ebyobulamu eky'ensi yonna n'eky'abaana (UNICEF), biraga nti mu Uganda, amalwaliro ebitundu 31 ku 100 ge galina amazzi ge gasobola okweyambisa obulungi.

Teebereza omuzaalisa okukola omulimu gwe n'amaliriza nga talina mazzi ag'okunaaba mu ngalo! Maama atuuka ku ddwaaliro ng'asuubira okukolebwako obulungi kyokka n'atuukayo nga teri mazzi! Abaana abazaalibwa, bwe batyo ne bafuna endwadde ez'enjawulo.



J. Mpalanyi Magala

Yayongeddeko nti amazzi n'obuyonjo bikulu nnyo mu bujjanjabi era we bitali, okutangira endwadde kifuuka kizibu era abakyala abafa nga bazaala n'abaana okufa nga baakazalibwa beeyongera olw'ebbula ly'amazzi ne ssabbuuni.a banaasobola okuba abalamu obulungi.

Yagambye nti ekirina okukolebwa, ye Gavumenti okusalawo ng'amazzi gatuuka mu buli ddwaaliro so si kulondamu agamu.Yakkaatirizza nti ebyobulamu ebirungi byetaaga ng'ebyobuyonjo biri ku mutindo n'asaba Uganda okuba ekyokulabirako.